مكتب الدعوة والإرشاد بالمعذر وأم الحمام




اللغة اللوغندية

# الشرك وأنواعه

# SHIRKI N'EMITEEKO GYE

اعداد
الشيخ عبد الرحمن إبراهيم موكيسا
المراجع
الشيخ فاروق عبد النور انتاندا

KIWANDIIKIDDWA
SHK: ABDULRAHMAAN IBRAHIIM MUKISA
KYEKENNENYEZEDDWA
SHK: FAROOQ ABDULNOOR NTANDA

المكتب التعاوني للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالمعذر وأم الحمام

Scanned with CamScanner

# الشرك وأنواعه

في اللغة اللغندية

اعداد : الشيخ عبد الرحمن إبراهيم موكيسا.

المراجع : الشيخ فاروق عبد النور انتاندا

## SHIRKI N'EMITEEKO GYE

KIWANDIIKIDDWA

**SHK: ABDULRAHMAAN IBRAHIIM MUKISA**

KYEKENNENYEZEDDWA

**SHK: FAROOQ ABDULNOOR NTANDA**



Scanned with CamScanner

بسم الله الرحمن الرحيم

الحمد لله والصلاة والسلام على أشرف الأنبياء والمرسلين نبينا محمد وعلى آله وصحبه أجمعين.

Buli kitendo kyonna ekijjuvu kya Allah, nanyini bujjuvu obwenkomeredde. Okusaasira n'emirembe bibeere kw'oyo asinga ababaka bonna ne ba Nabbi, Nabbi waffe Muhammadi (Swalla Llaahu Alaihi wasallamu)

Baganda bange Abasiraamu buno bwe bubaka bwa mutabani wamwe era muganda wamwe abaagaliza okuwona okuyingira omuliro, nga nabwo bukwata kuzambi erisinga amazambi gonna obunene! Nga nalyo ye shirk (okugatta kukatondo ekintu ekirala).

Nsazeewo okubufundiza mumpapula zino, musobole okwanguyirwa, oba olyaawo nowona okubeera mubalibonerezebwa mumuliro olubeerera. Nsaba Allah atuwonye okuyingira omuliro.

الشرك وأنواعه:

١- أنواع الشرك وتعريف كل نوع.

٢- أمثلة الشرك الأكبر.

٣-الشرك الأصغر وحكمه.

٤-أمثلة الشرك الأصغر.

٥- الفروق بين الشرك الأكبر والأصغر.

٦- خطورات الشرك وضرره في الدنيا والآخرة.

٧- الأسباب المؤدية إلى الوقوع في الشرك.

٨- وسائل علاجها.

٩- مظاهر الشرك في أوغندا وخطرها على المجتمع الأغندي

SHIRK N'EMITEEKO GYE:

1- Emiteeko gya shirk n'amakulu gabuli muteeko.



Scanned with CamScanner

2-Ebimu kubyokulabirako bya shirki omunene.

3. Shirki omutono n'okulamulwa kwe.

4. Ebyokulabirako bya shirki omutono.

5. Enjawulo wakati wa shirki omunene n'omutono.

6- Obubenje bwa shirk n'obubiibwe kunsi ne kunkomerero.

7- Ensonga eziviirako abantu okugwa mushiriki.

8- Amakubo agalina okukwatibwa mukujjanjaba ensonga ezo n'okuzinafuya.

9- Ebyooleka okubawo kwa shirk n'okusasaana kwe mu uganda, n'akabenje akakirimu eri abantu ba uganda singa bawangaala bwebatyo newatabaawo kikolebwa.

الشرك نوعان:

النوع الأول : الشرك الأكبر.

النوع الثاني: الشرك الأصغر.

## SHIRK ALIMU EMITEEKO EBIRI:

1. Shirk omunene.

2. Shirk omutono.

- تعريف الشرك الأكبر: وهو تسوية غير الله بالله فيما هو من خصائص الله تعالى.

## OKUNYONYOLA SHIRK OMUNENE:

**Shirk omunene**: kwe kwenkanyankanya ebitali Allah (Ebitonde) ne Allah mw'ebyo ebyeyawulide Allah. Nga nebyeeyawulide Allah ghemiteeko gya tawhiid esatu:

1.Okwawula Allah mubikolwaabye ebyo ebitonde byebitalinako busobozi (Ttawhiid Arrubuubiyyah) okugeza nga okutonda, okutonyesa enkuba, okugaba omukisa, okuwa obulamu, okufiisa, okugaba obufuzi, okugaba abaana ab'ebika ebyenjawulo, okugaggawaza okwaavuwaza, okuteekerateekera ebitonde mumbeera ezenjawulo.

Singa omuntu yenna akkiriza mumutima gwe oba singa agamba nti waliwo ekitonde ekikola ogumu ku mirimu egyo gyetulabye, oba ogujifanaana ekitonde ekyo kakibe malaika oba Nabbi aba ekyenkanyankanyizza ne Allah mw'ebyo ebyeyawulidde yye era aba akoze shirk! Nga abakkiririza mukyogero mbu kyireeta omukisa era mbu buli ataakyinaaba talina mukisa!

Nabateeka ebifananyi bya Father Ngobya mumaduuka gaabwe oba mubyebatunda mbu bifune omukisa!.

Nabagamba nti Yesu Katonda! Ne Bishaka owenzikiriza y'owobusobozi katonda! n'abalinga abo babeera bashiriku kubanga baba benkanyankanyizza ebitonde



Scanned with CamScanner

n'omutonzi mubutonzi bwe , ate nga tewali mutonzi mutuufu okujjako Allah yekka ky'ava ayitibwa Katonda. Agamba Allah owekitibwa:

قال تعالى:{ أَلَا لَهُ الْخَلْقُ وَالْأَمْرُ تَبَارَكَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ }(٥٤ [الأعراف : ٥٤]

**Abange mumanye nti kukwe (Allah) okutonda n'okuteekerateekera ebitonde, n'okuwa ebiragiro. Yasukkuluma Allah n'erinnya lye tukuvu, omulezi webitonde byonna.**

2. **Okwawula Allah mukusinzibwa kwe (Tawhiidu Alhuluuhiyyah)**: okwawula Allah mumiteeko gy'okusinza. Nga buli kiyitibwa okusinza (Allah kyeyasalawo okusinzibwa nakyo) kirina kukolerwa yye yekka, singa omuddu oba omuzaana akyuusa omuteeko gwonna mumiteeko gy'okusinza nagugabira ekintu kyonna ekitali Allah (Ekitonde) aba yenkanyankanyiza ebitali Allah ne Allah mw'ebyo ebyeyawulide Allah era aba akoze shirki omunene. Bino by'ebimu kw'ebyo Allah by'eyasalawo okusinzibwa nabyo: Okusaba, Okusala, Okuvunnama, Okwagala, Okutya, Okusuubira, n'ebirala bingi ebiringa ebyo.Agamba Allah:

قال تعالى: {وَاعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا} [النساء : ٣٦

**[Musinze Allah era temumugattangako ekintu kyonna (kabe Malaika oba Nabbi nga wakulusegere lwa Allah)}.**

**Amakulu**: Buli kyonna ky'eyasalawo okusinzibwa nakyo yalagira ebitonde okumwawula mukyo nga bikikolera yye yekka, era yagaana okumugattako ekintu ekirala kyonna mw'ebyo byeyasalawo okusinzibwa nabyo. Singa osaba ekitonde kyonna ekyo ky'ekitalinaako busobozi okujjako Allah, Nga okukisaba omukisa, obugagga, obukuumi, obuyambi, okkuwonya obulwadde, akutaasa okuzikirira singa ekidduka kyobaddemu kifunye akabenje, nokowoola jajjaawo eyaffa akutaase, oba nokowoola Nabbi yenna, okugeza Nabbi Muhammad oba Nabbi Isa (Yesu) (okusaasira n'emirembe bibeere kubo) oba okoze shirk omunene!. Nabwekityo singa osalira ekitali Allah nga bwekiri eri abantu abamu abasinza amajinni nebalubaale, n'amayembe nga basima emisingi gy'amayumba, n'enga bawanika obusolya bw'amayumba, n'ebwebaba batwaala abaffu okubaziika, kumulambo bateekako enkoko omuzimu mbu gukkirize emotoka okutambula oba akagaali, n'abalogo abasaba saddaaka ey'enkoko oba embuzi n'ebiringa ebyo. Abalala basaba bantu! Mbu bajajja basanyuke bakukolere by'oyagala! Nabakubi babulooka bwe babeera bokya tanuulu basalira ebitali Allah mbu singa tebagisarira bajjajja bajakugaana bulooka okujja!. Olw'okuba okusala muteeko mumiteeko gy'okusinza buli yenna asalira ekitali Allah aba akoze shirki omunene!.

Agamba Allah:

قال تعالى: {فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحَرْ } [الكوثر : ٢]

(Saala kulwa Allah era osale kulwa Allah)



Scanned with CamScanner

عن علي رضي الله عنه قال: حدثني رسول الله بأربع كلمات: "لعن الله من ذبح لغير الله، لعن الله من لعن والديه، لعن الله من آوى محدثاً، لعن الله من غير منار الأرض (رواه مسلم)

Yagamba omubaka waffe (swalla Llaahu alaih wasallama):

Allah yagoba mukusasiira kwe oyo yenna asala kulwekitali Allah.

**Okwawula Allah mu mannyage n'ebitendobye: (Tawhiidu Al-asmaa-e waswifaat)**: kwekwawula Allah mubujjuvu obwenkomeredde, mumannyage n'ebitendo bye.Singa okkiriza mumutima gwo nti waliwo ekitonde kyona ekyenkanankana ne Allah mubujjuvu, n'ekitiibwa mumannyage n'ebitendo bye, oba singa otuuma ekimu mubitonde bye elinya lyonna elyeyawulide Allah, nga elinya Allah oba Rahman, oba kakabaka wa bakabaka, ekitonde ekyo oba okyiggase ku Allah era oba okoze shirki omunene!.Nabwekityo singa otenda ekimu kubitonde bye n'ekitendo kyonna ekyeyawulide yye yekka okugeza abayita kabaka wabwe Kabamba eyigulu. Amakulu: eyawanika eggulu! Maaso mooji amakulu alaba ewala atakola nsobi! Songa atakola nsobi ali omu yekka ye katonda, naye ebitonde byonna bikola ensobi olwobutonde bw'abyo, n'obunafu bw'abyo, n'obutono bwokumanya kw'abyo.

Nabwekityo abakkiriza nti amajinni, amayembe, lubaale, abafu, abalaguzi bamanyi ebyekweese ebyekyaama ebinabaawo enkya, oba ebiribaawo mubiseera ebijja mumaaso, aba akoze shirki omunene; kubanga aba ebitenze n'okumanya ekwenkomeredde okutasobola kutukibwako kitonde kyonna k'abe malaika oba Nabbi.

Agamba Allah:

قال تعالى:{ لَا يَعْلَمُ مَنْ فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ الْغَيْبَ إِلَّا اللَّهُ وَمَا يَشْعُرُونَ أَيَّانَ يُبْعَثُونَ }

[النمل : ٦٥]

{Bagambe (gwe Muhammad swalla Llaahu alaih wasallama) nti tewali amanyi byekweese muggulu ne munsi okujjako Allah, era tebamanyi naddi lwebalizukizibwa!. Yagamba omubaka waffe Muhammad (Swalla Llaahu alaih wasallama)}:

وعن أبي هريرة (رضي الله عنه)، عن النبي صلى الله عليه وسلم قال: " من أتى كاهنا، فصدقه بما يقول فقد كفر بما أنزل على محمد صلى الله عليه وسلم " رواه أبو داود والنسائي والترمذي وغيرهم.

Oyo yenna agenda eri omulaguzi n'amukakasa mw'ebyo by'agamba aba amaze okuwakanya obubaka obwassibwa ku Nabbi Mmuhammad (Swalla Llaahu alaihiwasallama) kubanga obubaka obwassibwa ku Nabbi Muhammad (Swalla Llaahu



Scanned with CamScanner

alaihi wasallama) bugamba nti Allah y'alina okumanya okwenkomerede kw'ebyo ebiri mumagulu omusanvu ne munsi omusanvu, y'amamanyi buli kimu. Nolwekyo singa, ogenda ew'omulaguzi yenna oba omulogo nomwebuuzako kunsonga yonna etasobola kumanyibwa kitonde kyonna mugulu n'emunsi, omulaguzi oyo oba omugabidde kukitiibwa kya Allah ekyeyawulidde yye yekka , era oba okoze shirki omunene, kubanga okumanya ebitannabawo ne bwebinaba bibadewo bigenda kubela bitya kyeyawulidde Allah yekka.

Manya muganda wange Allah akusaasire nti nga ebitonde bw'ebirina ebyeyawulidde kubyo nga tebikkiriza kwegatta namulala mubyo nomutonzi tasiima kumugattako kintu kyonna mw'ebyo ebyeyawulide yye, singa omusajja aba n'omukyala abaffe omusajja oyo ayinza okukkiriza ebyeyawulidde ye kumukyalawe okubigabana nomusajja omulala kabeere muganda we oba mukwano gwe?! Okudamu nedda.

Agamba Allah:

قال الله تعالى: ضَرَبَ لَكُمْ مَثَلًا مِنْ أَنْفُسِكُمْ هَلْ لَكُمْ مِنْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ مِنْ شُرَكَاءَ فِي مَا رَزَقْنَاكُمْ فَأَنْتُمْ فِيهِ سَوَاءٌ تَخَافُونَهُمْ كَخِيفَتِكُمْ أَنْفُسَكُمْ كَذَلِكَ نُفَصِّلُ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْقِلُونَ [الروم : ٢٨]

Allah abakubira ekifananyi kumwe mwenyini {Abange mmwe abagatta ku Allah ebintu ebirara?) kwebyo byemufuga abaffe musiima abadu bamwe n'abawereza bamwe oba abakozi bamwe okubanga bagabana namwe ekimu kwebyo byetwabagabira kyenkanyi nga tewali njawulo wakati wamwe n'abo?! Nga mubatya nga bwemutya abo bemwenkanankana nabo mumigabo? (Bagagga bannamwe mubaana baboobwe) bwetutyo bwetunnyonnyola obubonero bwaffe eri ekibiina kyabo abalina amagezi (amalamu)}. Allah mu aya eno ayogereganya nabantu okusinzira kumagezi gabwe n'okutegeera kwabwe nti bweba nga bbo tebakkiriza kugabana Allah by'eyabawa n'abaddu baabwe oba abakozi baabwe kyenkanyi awamu nekyo nga bbo n'abawereza babwe bonna baddu b'a Allah, n'emali y'a Allah muyinza mutya okusiima okwenkanyankanya Allah n'ebitonde bye byeyatonda?! Nemubifananya naye nga mubisinza nga yye!, era nga mubiwa ekitiibwa ekiringa kyemumuwa nokusingawo! Bubuze ki obusinga obwo era bulyazamanyi ki obubwenkana, era bujoozi ki obubusinga obwo?!!!. Agamba Allah:

قال الله تعالى: {وما قدروا الله حق قدره } (الزمر ٦٧)

**{Abantu abagatta ku Allah ebintu ebirala tebasa mu Allah Kitiibwa mubutuufu bwakukimusaamu bwebamwenkanyankanya nebintu ebya wansi}**.

Allah agamba nti abashirku bagenda kukiriza kulunaku lw'enkomerero nti baali munsobi bwebenkanyankanya ebitonde ebyawansi n'omutonzi eyabitonda.

قال الله تعالى: {تَاللَّهِ إِنْ كُنَّا لَفِي ضَلَالٍ مُبِينٍ (٩٧) إِذْ نُسَوِّيكُمْ بِرَبِّ الْعَالَمِينَ } [الشعراء : ٩٧ ، ٩٨]

Abashiriku bagenda kugamba nga bali mumuliro (ebyo bye baali basinza ebitali Allah): tulayidde Allah mazima ddala twali mububuze bwalwatu bwetwabenkanyankanya n'eAllah omulezi webitonde byonna}. Aya eyo



Scanned with CamScanner

nezijifaanaana zilaga nti obwennyini bwa shirki kwekufananya ebitonde n'omutonzi, oba kwekwenkanya nkanya ebitonde n'omutonzi mw'ebyo ebyeyawulidde omutonzi nga bwetwalabye.

### ٢- أمثلة الشرك الأكبر:

١- الذبح لغير الله تعالى

٢- دعاء غير الله تعالى

٣- السجود لغير الله تعالى.

٤- النذر لغير الله تعالى.

٥- محبة غير الله كحب الله.

٦- الخوف من غير الله كالخوف من الله.

٧- الاستعاذة والاسغاثة بغير الله تعالى.

٨- تعليق التمائم والاعتماد عليها اعتمادا مطلقاً

٩- الاعتقاد في الموتى بأنهم يضرون وينفعون ،وزيارة قبور الأجداد والآباء لأجل تقرب إليهم.

١٠-جعل العبد وسائط بينه وبين الله يدعوهم ويتوكل عليهم.

١١-شرك الطاعة.

١٠- شرك الإرادة والنية والقصد.

### EBY'OKULABIRAKO BYA SHIRKI OMUNENE:

1. Okusala ku lw'ekitali Allah nga; okusalira emmotoka ereme kukola bubenje, okusalira ennyumba, okusalira tanuuru n'ebiringa ebyo.
2. Okusaba ekitali Allah
3. Okuvunnamira ekitali Allah
4. Okwetema naziri oba okweeyama ku lw'ekitali Allah.
5. Okwagala ekitonde kyonna nga bw'oyagala Allah.
6. Okutya ekintu kyonna ekitali Allah okutya okw'okukisinza nga okyegendereza nga bwewegendereza mumaaso ga Allah oba okutya ekitali Allah okwekyaama nga okitya nti kisobola okukutuusaako obuzibu nga: okukulwaaza, okkwavuwaza, okkulemesa okufuna ezadde n'ebiringa ebyo.
7. Okusaba obukuumi n'okutaasibwa eri ekitonde kyonna kw'ekyo kyekitalinaako busobozi okujjako Allah nga; okusaba bajjaja abaafa bakukuume singa oba otidde ekifo kyonna oba ekintu kyonna nti kisobola okkutusaako obulabe oba okusaba omubaka wa Allah muhammadi (Swalla Llaahu alaihi wasallama) okukuume oba akutaase oba okusaba Nabbi wa Allah Isa (yesu) Swalla Llaahu alaihi wasallama obukuumi oba okutaasibwa.



Scanned with CamScanner

8. Okusiba eyirizi yonna n'okugyesigamirako olwesigamira oluseembayo nga olaba nti wetali tosobola kubeerawo wadde okutuuka ku ky'oyagala okujjako kulwamaanyi gaayo. Nga n'obusiraamu kyebuyita eyirizi: buli kyonna ekitekebwaawo oba ekisibwa oba ekiwanikiddwa nga nnyinikyo alina enzikiriza mukyo nti; kiziyiza obuzibu obutannabaawo okubeerawo oba kijjawo obuzibu obumaze okubaawo oba kireeta omugaso gwonna ekyo nga kikikolera mubbanga awatali kukwatagana n'ekyo ekijjanjabwa butereevu nga bwolaba eddagala eri nyweebwa oba erisiigibwa kukiwundu butereevu n'ebiringa ebyo.
9. Okuba n'enzikiriza mubafu nti basobola okugasa n'akantu konna okugeza; okukuwa omukisa, okkukuuma, okkutaasa oba okukuyamba nti era basobola okkutusaako obuzibu bwonna kulw'amaanyi gaabwe n'obuyinza bwabwe.
10. Okuteeka wakatiiwo ne Allah ebitonde nga obisaba era nga obyesigamirako ng'ogamba nti by'oyitamu okutuuka eri Allah era byebitegeeza Allah ebyetaago byo nga; Abagamba nga basaba abalongoofu nti bebabatuusiza okusaba kwaabwe oba essaala zaabwe eri katonda nebukeesa enkya nga tebakyasaba katonda okujjako abalongoofu nga balowooza nti ekyo katonda ky'ayagala. Okugeza nga; Abasaba Hussein muzzukulu wa Nabbi nga bamukowoola abamalire ebizibu byaabwe, n'abasaba abolowoozebwa okuba mikwaano gya Allah (bawaliyyu ba Allah), n'abasaba abajulizi b'ennamugongo ne father Ngobya n'ebiringa abo.
11. Shirk ow'okugondera ekitonde mukugamba nti kino kiri halaal oba kiri haraam nga tewaliiwo ateekeddwa okufuula ekintu ekikkirizibwa oba ekitakkirizibwa okujjako Allah n'olwekyo singa omusiraamu yenna akkiriza mu mutima gwe nti n'ebitonde birina obuyinza obufuula halaal oba haraam ab'akoze shirki ow'okugondera ebitonde mukuj'emera Allah. Okugeza nga; Abagondera abakulu b'ebika mukuhalalisa n'okuharamisa ebiliibwa n'ebitaliibwa, akkirizibwa okuwasibwa n'atakkirizibwa kuwasibwa.

٣-الشرك الأصغر وحكمه:

## SHIRKI OMUTONO N'OKULAMULWA KWE:

١ - تعريف شرك الأ صغر: ما ورد في النصوص تسميته شركاً ولم يصل إلي درجة شرك الأكبر.

Buli kyonna ekyajja mubujulizi (quran oba sunnah) nga kiyitibwa shirki naye nekitatuuka muddaala lya shirki omunene.

Amakulu:

Ekikolwa kyonna oba ekigambo, obusiraamu kye bw'ayita shirki naye nekibeera nga tekijjaawo tawhiid yenna nga bwekiri ku shirki omunene oba okutuuka muddaala ly'okusinza. Eky'okulabilako kw'ebyo nabbi byeyayita shirki omutono.



Scanned with CamScanner

قال رسول الله –صلي الله عليه وسلم– :" أخوف ما أخاف عليكم الشرك الأصغر. فسئل عنه؟ فقال: الرياء " رواه أحمد رواه أحمد والطبراني والبيهقي من حديث محمود بن لبيد.

**{Y'agamba omubaka wa Allah Muhammad (swalla Llaahu alaihi wasallama): Ekisinga okutiibwa ky'embatiisa shirki omutono, nebamubuuza nti shirki omutono y'aliwa? Nagamba nti kabandabe (omuntu okkola omulimu gwonna ogw'okusinza nga anonyaamu kumulaba nakumuwaana sossi kunoonya kusiima kwa Allah)}.**

Manya muganda wange Allah akusaasire nti (kabandabe) abalibwa mu shirki eyeekweese omuzibu okulaba nga kizibu nyo okumuwona okujjako nga Allah akusaasidde. Abamanyi abamu olw'obutalabika bwa shirki ono, bamufuula omuteeko ogw'okusatu mumiteeko gya shirki nga beesembesa hadith eziringa eno:

جاء في الحديث: "الشرك في هذه الأمة أخفى من دبيب النملة السوداء على صَفاةٍ سوداء في ظُلمة الليل" رواه أحمد والطبراني في الأوسط.

**Kyajja mu hadith nti (shirki ali mukibiina kino yeekweese nyo okusinga omusinde gw'ensanafu enzirugavu etambulira kulwaazi oluddugavu mukiro ekikutte ekizikiza ekyamaanyi.**

**OKULAMULWA KWA SHIRKI OMUTONO:**

Shiriki omutono ly'ezzambi erisinga amazambi gonna agasigadde (agatali shirki) obunene oluvannyuma lwa shirki omunene. Era abamanyi abamu bagamba nti singa omuntu afiira ku shirki omtono ateekeddwa okubonerezebwa mumbeera yonna newankubadde nga okubonerezebwa kwe sikwalubeerera.

**-أمثلة الشرك الأصغر:**

**١– يسير الرياء**

**٢– السمعة**

**٣– الحلف بغير الله**

**٤– تعظيم المخلوق الذي لا يبلغ درجة العبادة**

**٥– التطيّر والتشائم بالأشياء**

**٦– الاعتماد على الأسباب المباحة**

**٧– ماشاء الله وشئت ولولا الله وأنت.**

**٨– لولا كذا لوقع كذا أو ما كان كذا.**

**EBY'OKULABILAKO BYA SHIRKI OMUTONO:**

1. Kabandabe omutono, amakulu atali mungi kubanga kabandabe omungi asobola okutuuka kuddaala lya shirki omunene. Okugeza nga kabandabe



Scanned with CamScanner

wabannaanfuusi buli murimu gwonna gwebakola, bakola kabandabe olw'okuyisaawo ebigendererwa byaabwe.

2. Kabampulire, ye musiraamu okukola omurimu gwonna omulungi oba okwogera ekigambo kyonna ekirungi nga anoonyaamu kusanyusa bitonde nakumuwulira nakumuwaana. okugeza wayinza okubaawo ensonga nga y'abusiraamu, Omusiraamu nayolesa obukambwe obw'amaanyi naye nga ekigendererwa kye kabampulire.
3. Okulayira ekitali Allah k'abeere Nabbi, Omusiraamu yenna alayira ekitali Allah aba agasse ku Allah ekintu ekirala; kubanga ekitiibwa ky'okulayilwa kyeyawulidde Allah yekka yateekeddwa okukiweebwa, tumusinza n'okulayila yye yekka.

عن عمر بن الخطاب رضي الله عنه عن رسول الله صلى الله عليه وسلم : أنه قال : ( من حلف بغير الله؛ فقد كفر أو أشرك ) . رواه الترمذي .

**Yagamba Nabbi (swalla Llaahu alaihi wasallam): Oyo yenna alayira ekitali Allah, Ab'akaafuwadde oba ab'agasse ku Allah ekintu ekirala.**

-Manya muganda wange Allah akusaasire, nti okulayila ekitali Allah kusobola okufuuka shirki omunene oba obukaafiiri obujja omuntu mubusiraamu singa alayira akakasa mumutima gwe nti ky'alayira kyenkana ne Allah ekitiibwa.

4. Okugulumiza ebitonde olugulumiza olutatuuka kuddaala ly'okusinza, okugeza nga; okuyimirira ku lw'okubiwa ekitiibwa, okumenya kunsiingo, okweeyala ku ttaka olw'okubissaamu ekitiibwa, okujja enkoofiira kumutwe, ebyo n'ebiringa ebyo kkubo eritwaala omuntu eri okusinza ebitonde.
5. Okweraguza n'ekintu kyonna ekirabwaako oba ekiwulirwa oba ekimanyiddwa.okugeza nga; abeeraguza n'ebinyonyi nga bawulidde okukaaba kwaabyo oba ebisolo nga embwa, ekibe oba abeeraguza n'ennaku nga olw'okusatu oba emyeezi oba abantu nti gundi wakisiraani songa tewali muntu wakisiraani, abo bonna abalowoozebwa nti balina ebisiraani oba olutwe abeera ssitaani yaba abaliko nga ayagala okubakyaayisa abantu n'okubeesamba.

وعن ابن مسعود، مرفوعا: " الطيرة شرك الطيرة شرك" رواه أحمد وأبو داود والترمذي وصححه.

**Yagamba Nabbi (Swalla Llaahu alaihi wasallam): okweraguza n'ebinyonyi n'ebiringa ebyo shirku (kuba kugatta ku Allah)**

-Manya muganda wange Allah akusaasire, nti okweraguza n'ekintu kyonna kikeendeeza tawhiid lwansonga bbiri:

**1-** Buli yenna eyeeraguza n'ekintu kyonna, Aba akutuddewo okwesigamira Allah nannyini byonna nga ebitonde byonna biyina kuddukira gyaali n'okwesigamira yye munsonga zonna.

Allah agamba:

قال تعالى :{قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ (١) اللَّهُ الصَّمَدُ (٢)}سورة الإخلاص



Scanned with CamScanner

**{Bagambe nti Allah ateekeddwa okusinzibwa ali omu bwanamunigina! (1) Oyo Allah eyesigamirwaako ebitonde byonna (mumbeera zonna) nga gwebiruubirira (2).}**

Era Allah n'agamba nti:

قال تعالى: {وَتَوَكَّلْ عَلَى الْحَيِّ الَّذِي لَا يَمُوتُ} سورة الفرقان: ٥٨

**{Wesigamize esonga zo zonna kumulamu atafa alina obulamu obw'olubeerera (Allah)}.**

**2-** okweeraguza n'ekintu kyonna, kuzimbiddwa kukuteebereza buteebereza okutayina musingi okuzimbiddwa kubirowoozo ssitaani by'eretera omuntu alina endowooza efaanana bwetyo, Songa ekyo kikendeeza twahiid kubanga tawhiid kusinza nakwesigamira katonda.

Allah agamba nti**:**

قال تعالى: {إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ} سورة الفاتحة: ٤

{**Gwe gwetusinza wekka era gwe gwetusaba obuyambi munsonga zaffe zonna**}.

Amakulu nti bwaatyo bweyatulagira okugamba mu sswala zaffe.

Era n'agamba nti

قال تعالى: {فَاعْبُدْهُ وَتَوَكَّلْ عَلَيْهِ وَمَا رَبُّكَ بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ} سورة يوسف: ١٢٣

**-Sinza yye era ensonga zo zonna zeesigamize kuye era manya nti omuleziwo (Allah) ssimugayaavu kw'ebyo byemukola.**

6. Okwesigamira kunsonga ezakkirizibwa, ssonga newankubadde Allah yatukkiriza okuteekawo ensonga bwetuba tulina kyetwaagala okutuukako. Naye tulina okukimanya nti Allah owekitiibwa y'akozesa ensonga okusobola okutugasa. okugeza nga; okugenda ew'omusawo omukugu akujjanjabe nsonga Allah kwaayisiriza okuwona obulwadde naye ensonga eyo agyireetera okukola ye Allah, okukozesa eddagala nsonga Allah kwaayisiriza obulwadde okuwona nayo teyetengeredde,okukola oba okusuubula nsonga nayo Allah kwaayisiriza gwe okufuna riziq nayo teyetengeredde, n'okusoma Allah kw'ayisiriza omuntu okufuna riziq naye ssi buli asoma afuna omurimu oba agaggawala songa kyekigendererwa ky'abazadde okuweerera abaana baabwe.

N'olwekyo buli lw'obaanga n'esonga yonna eyakkirizibwa nga bwetulabye waggulu, togyeesigamirangako nti esobola okukutuusa ku ky'oyagala olwamaanyi gaayo wabula ku lw'okwagala kwa Allah owekitiibwa n'okusalawookwe.

Allah agamba:

قال تعالى: {وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ} سورة التكوير: ٢٩



Scanned with CamScanner

**-Temusobola kwagala okujjako Allah nga ayagadde omulezi w'ebitonde byonna**

Amakulu: Tewali kisobola kubaawo okujjako olw'okwagala kwa Allah n'okuteekateeka kwe owekitiibwa.

7.Okugamba nti Allah bwanaba ayagade naawe noyagala singa teyabade Allah naawe wandibadewo ekintu gundi. Ekituufu kwekugamba nti Allah bwanaba ayagade oluvanyuma naawe noyagala, naye ekisingamu tawhid kwekugamba nti Allah bwanaba ayagade yekka singa teyabade Allah.

8.Okugamba nti singa tekyabade kintu gundi wandibadewo ekyintu gundi. Okugeza singa teyabade gundi nabade nfudde!, singa teyabade mbwa Ababbi baabade batuyingiride, nebiringa ebyo.Enjogera ezo n'ezizifan'ana zibalibwa mushirki omutono atwala omuntu eri omunene zewale muganda wange owone okugwa muzambi erisinga okubera elyomutaw'ana.

## ٥- الفروق بين الشرك الأكبر والأصغر:

١-الشرك الأكبر يخرج من الإسلام والأصغر لا يخرج من الإسلام.

٢-الشرك الأكبر يُخلّد صاحبه في النار و الأصغر لا يخلد صاحبه في النار إن دخلها.

٣-الشرك الأكبر يحبط جميع الأعمال و الشرك الأصغر لا يحبط جميع الأعمال ،وإنما يحبط الرياء و العمل للدنيا العمل الذي خالطه.

٤-الشرك الأكبر يبيح الدم والمال بخلاف الأصغر.

٥-الشرك الأكبر يوجب العداوة و البغضاء بين المؤمنين و المشركين بخلاف الأصغر.

## ENJAWULO WAKATI WA SHIRKI OMUNENE N'OMUTONO:

1- Shirki omunene agya omuntu mubusiraamu ate shirki omutono tagya muntu mubusiraamu.
2- Shirki omunene afuula nnyiniye ow'olubeerera mumuliro ate shirki omutono tafuula nnyiniye walubeerera mumuliro singa aliba aguyingidde.
3- Shirki omunene asazisaamu emirimu gyonna, amakulu nti omusiraamu bw'akola shirki omunene, Allah asazaamu emirimu gye gyonna emirungi ate shirki omutono tasazisaamu mirimu gye gyonna wabula kabandabe n'okukola emirimu emirungi nga ogikola kulwakunoonya nsi bisazisaamu omurimu ogwegasse nabyo.
4- Shirki omunene akkirizisa okuyiwa omusaayi n'emmaali okutwaalibwa okwawukana ku shirki omutono.
5- Shirki omunene ayimirizaawo obulabe n'obukyaayi wakati w'abakkiriza n'abashiriku okwawukana ku shirki omutono.

## ٦- خطورات الشرك وضرره في الدنيا والآخرة:

١- الشرك الأكبر لا يغفره الله إذا مات صاحبه ولم يتب منه.



Scanned with CamScanner

٢- الشرك الأكبر يوجب الله لصاحبه النار ويحرم عليه الجنة.

٣- الشرك الأكبر يحبط جميع الأعمال الصالحة.

٤- الشرك الأكبر أظلم الظلم و الإفتراء.

٥- الشرك أعظم أسباب سوء الخاتمة وعلامته.

٦- الشرك هو السبب الأعظم لحصول الكربات في الدنيا والأخرة.

٧- الشرك يسبّب لصاحبه الخوف والقلق وعدم الإطمئنان ؛ لإن المشرك يخاف من كل شيىء.

٨-الشرك يقضي على عزة النفس وعلى الأخلاق الفاضلة ؛لإن المشرك يذل لجميع طواغيت كلها.

٩- الشرك سبب للتخلف في شتى الميادين.

١٠-الشرك الأصغر ينقص الإيمان وهو من وسائل الشرك الأكبر.

**-OBUBENJE BWA SHIRKI N'OBUBIBWE KUNSI NE KUNKOMERERO**

1. Shirki omunene Allah tamusonyiwa singa omuntu yenna amufiirako nga teyenenyezza.
   Allah agamba:

قال تعالى: {إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدِ افْتَرَى إِثْمًا عَظِيمًا}

   **{Mazima ddala Allah tasonyiwa kumugattako kintu kirala (singa omuntu akifiirako), naye asonyiwa ekiri wansi w'ekyo (ekitali shirki oba obukafiiri) n'oyo yenna agatta ku Allah ekintu ekirala, ab'akoze ezzambi erisinga obunene}.**

2. Shirki omunene Allah yakakasa ku nnyiniye okuyingira omuliro era n'akifuula haraam kuye okuyingira e jannah.
   Allah agamba:

قال تعالى: { إِنَّهُ مَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ اللَّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَمَأْوَاهُ النَّارُ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ}سورة المائدة: ٧٢

   **{Mazima ddala buli yenna agatta ku Allah ekintu ekirala, Allah yaziyiza kuye okuyingira e jannah (Nakifula haraamu kuye) n'obuddo bwe muliro (walubeerera mugwo) era abalyaazamaanyi (Abashiriku) tebalina mutaasa agenda kubataasa kubawonya bibonerezo bya Allah}.**

3. Shirki omunene ayonoona oba asazisaamu emirimu gyonna emirungi.
   Allah owekitiibwa agamba:

قال تعالى:{ وَلَوْ أَشْرَكُوا لَحَبِطَ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ} سورة الأنعام:٨٨

   **{Singa bang'agattako (Ba nabbi) nandisazizaamu emirimu gyaabwe}.**



Scanned with CamScanner

4. Shirki omunene bwebulyaazamaanyi obusinga obulyaazamaanyi bwonna era kwekutemerera amakulu okutemerera Allah owekitiibwa nti wawansi alinga ebitonde bye byeyatonda (yayawukana Allah kw'ebyo ebimugattibwaako).
Allah agamba:

قال تعالى: { يَا بُنَيَّ لَا تُشْرِكْ بِاللَّهِ إِنَّ الشِّرْكَ لَظُلْمٌ عَظِيمٌ } سورة لقمان:١٣

**Allah atunyumiriza okumu kukubuuririra kw'omusajja omulongoofu nga abuuririra mutabani we, {Owange mwana wange togattanga ku Allah ekintu kyonna, mazima ddala shirki bulyaazamaanyi bunene}.**

5. Shirki yensonga esingira ddala okuviirako abantu abasing obungi okufuna enkomerero embi, era kamufiirako kaba kamu kububonero obulaga enkomerero embi.

وَعَنْ جَابِرٍ قَالَ النَّبِيَّ – صلى الله عليه وسلم – " مَنْ مَاتَ لاَ يُشْرِكُ بِاللَّهِ شَيْئاً دَخَلَ الْجَنَّةَ وَمَنْ مَاتَ يُشْرِكُ بِاللَّهِ شَيْئاً دَخَلَ النَّارَ"رواه مسلم

**-Yagamba Nabbi (Swalla Llaahu alaihi wasallam): {Oyo yenna afa nga tagasse ku Allah kintu kyonna, ayingira e jannah, Nabuli yenna afa nga agasse ku Allah ekintu kyonna, ayingira omuliro}.**

6. Shirki yensonga esinga okuviirako abantu okufuna emitawaana n'ebizibu kunsi kuno ne kunkomerero. Allah agamba:

قال تعالى: { وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَيَسْتَخْلِفَنَّهُمْ فِي الْأَرْضِ كَمَا اسْتَخْلَفَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَلَيُمَكِّنَنَّ لَهُمْ دِينَهُمُ الَّذِي ارْتَضَى لَهُمْ وَلَيُبَدِّلَنَّهُمْ مِنْ بَعْدِ خَوْفِهِمْ أَمْنًا يَعْبُدُونَنِي لَا يُشْرِكُونَ بِي شَيْئًا } سورة النور:٥٥

**{Allah yalagaanyisa abakkiriza mummwe ne bakola emirimu emirungi, nti agyakubasikiza munsi (agya kubawa obufuzi n'obuwanguzi muyyo) nga bwe yagisikiza ababasookawo mubakkiriza era agya kubatebenkereza eddiini yaabwe eyo gye yabasiimira era agya kubakyuusirizaamu oluvanyuma lw'okutya eddembe n'obutebenkevu ebbanga lyebanaamala nga basinza nze nzekka nga tebangasseeko kintu kyonna}.**

7. Shirki aleetera nannyini kumukola okutya n'obutali butebenkevu kubanga omushiriku atya buli kintu kyonna ekimusala mumaaso ekyo nga kibonerezo okuva eri Allah gyebali kuno kunsi. Allah agamba:

قال تعالى: {سَنُلْقِي فِي قُلُوبِ الَّذِينَ كَفَرُوا الرُّعْبَ بِمَا أَشْرَكُوا بِاللَّهِ مَا لَمْ يُنَزِّلْ بِهِ سُلْطَانًا}

سورة آل عمران:١٥١



Scanned with CamScanner

{Tujja kussa mumitima gy'abakafiiri okutya okw'amaanyi n'obweraliikirivu (nga kibonerezo) olw'okugatta kwaabwe ku Allah ebyo Alla byatasangako bujulizi).**

8. Shirki agya kumuntu ekitiibwa kye ekyo Allah kyeyamuwa n'amufuula owawansi bwasalawo okusinza buli kyonna kyaasanze. Allah agamba:

قال تعالى: { لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي أَحْسَنِ تَقْوِيمٍ (٤) ثُمَّ رَدَدْنَاهُ أَسْفَلَ سَافِلِينَ (٥)..}

سورة التين.

**{Mazima ddala twaatonda omuntu mukifaananyi ekisingayo okubeera ekirungi era ne tumusukkulumya kubitonde byonna oluvanyuma tumufuula asinga okubeera owawansi olw'obugyeemu bwe n'obuteebaza byengera byaffe n'asalawo okukola nga bwayagala kunsi kuno netumuyingiza omuliro}.**

قال تعالى: { وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَكَأَنَّمَا خَرَّ مِنَ السَّمَاءِ فَتَخْطَفُهُ الطَّيْرُ أَوْ تَهْوِي بِهِ الرِّيحُ فِي مَكَانٍ سَحِيقٍ} سورة الحج:٣١

**{Oyo yenna agatta ku Allah ekintu ekirala, afaanananga (mububuze ne mukubeera owawansi)nga omuntu avudde waggulu n'agwa n'abogyogolwa ebinyonyi buli kimu nga kisika kizza waakyo oba nga atwaaliddwa empewo eyamaanyi mukifo eky'ewala}.**

**Amakulu:** Allah owekitiibwa mu aaya eno alaga okubeera kw'omushirku ewala n'obulunggamu n'engabanwa gy'agabanywaamu zi ssitaani okuva mubuli ludda nezimulagira okusinza buli kyonna kyaasanze olwo ekitiibwa kye nekisaanawo Allah kyeyamuwa.

9. Shirki nsonga eviirako oyo amukola okusigala emabega mubifo eby'enjawulo. Okugeza: zisitaane ziyinza okumugaana okuzimba enyumba oba okuwasa oba okumulagira okuwasa abenganda oba okumulagira okusaddaaka abantu oba okumugaana okwambala engatto n'ebiringa ebyo.
10. Shirki omutono yasinga amazambi gonna agasigadde okukendeeza obukkiriza bw'omuntu era kkubo eritwaala omuntu eri shirki omunene bwateegendereza.

**٦-الأسباب المؤدية إلى الوقوع في الشرك.**

**١- طلب المال وحفظه.**

**٢- طلب الحياة وحفظها.**

**٣- طلب الأولاد وحفظهم**

**٤- طلب الجاه وحفظه.**

**٥- طلب الزواج وحفظه**



Scanned with CamScanner

**6–EZIMU KUNSONGA EZITWAALA ABANTU MU SHIRKI:**

1. Okunoonya emmaali n'okugikuuma okugeza nga okunoonya emirimu, okunoonya visa okunoonya eddagala erireeta abaguzi, okunoonya eddagala eri kuuma emmaali ereme kuggwaawo.
2. Okunoonya obulamu n'okubukuuma. Okugeza singa omuntu alwaala obulwadde nebubula n'agenda mussabo amanye ki ekimuluma era afuneyo obujjanjabi oba obulamu, era nabwekityo waliwo abasiimba amalagala oba ebyookola mu mpya zaabwe oba mumilyango gyaabwe basobole okufuna obukuumi ku bulamu bwaabwe.
3. Okunoonya oluzaalo oba abaana n'okubakuuma baleme kutuukibwaako buzibu nga banaazibwa ebyogero ebigambiwa nti bya mukisa oba n'okusibwa yirizi kumibiri gyaabwe baleme kutuukibwaako buzibu bwonna mubulamu bwaabwe oba okubatwaala mumasabo nga balwadde oba okubatwaala kubijja byaaba jjajja baabwe empewo zibafuuweko n'ebiringa ebyo.
4. Okunoonya ekitiibwa n'okukikuuma. Okugeza nga okunoonya ekifo kyonna mubifo ebivuganyizibwaako mu ggwanga nga obukiise mulukiiko lw'eggwanga olukulu (parliment), obwa mayor obwa concillor oba obwa LC n'ebirnga ebyo.
5. Okunoonya obufumbo ku ludda lwa abasajja n'abakyaala n'okubukuuma oluvanyuma lw'okubufuna naddala ku ludda lwa abakyaala, bangi mubo bagenda mu shirki olw'okunoonya obufumbo n'olwokkuuma amaka gaabwe.

**٧–وسائل علاجها:**

١– يجب عليك أن تعلم أن كل شيئ بيد الله وأن ماشاء الله كان وما لم يشا لم يكن. وأن الغنى والفقر بيده سبحانه وتعالى.

٢– معرفة حقيقة الدنيا وسنّة الله فيها وأنّها فانية وأنّ اليوم لك واليوم عليك.

٣– معرفة أسباب الرّزق ، الحسية والمعنوية.

٤– أن اختيار البلاء والصبر عليه ، يورث الجنة.

٥– أن من دلالة عقل المؤمن الصّادق،تقديم الباقى على الفانى وإدراك عواقب الأمور.

**7- AGAMU KUMAKUBO AGAYINZA OKUWONYA OMUSIRAAMU OKKOLA SHIRKI:**

1. Kyatteeka kugwe omusiraamu okumanya nti buli kintu kyonna kiri mumukono gwa Allah nakusalawo kwe, ky'aba ayagadde kibeera era ky'aba tayagadde tekisobola kubeera, era manya nti okugaggawaza n'okwaavuwaza biri mumukono gwe n'olwekyo buli anoonya obugagga amanye nti buli wa Allah owekitiibwa tebuli mumasabo wadde mubalogo kubanga nabo betaavu eri Allah mumbeera zonna.
   Allah agamba:

قال تعالى:{ لَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَإِنَّ اللَّهَ لَهُوَ الْغَنِيُّ الْحَمِيدُ}



Scanned with CamScanner

سورة الحج: ٦٤

**{Bibye ebiri mumagulu omusaanvu ne munsi omusaanvu era mazima ddala Allah yekka ye mugagga alina obugagga obw'enkomererdde atenderezebwa mumbeera yonna}.**

**Amakulu:** Aaya eno eraga nti bya Allah ebiri mumagulu omusaanvu ne munsi omusaanvu, okutonda, obufuzi, okuteekateeka, okugaggawaza n'okwaavuwaza, era buli kitonde kyonna kiyina obwetaavu gyaali, yaasalawo kumpangaala yaakyo.

Era Allah agamba nti:

قال تعالى :{ وَأَنَّ إِلَى رَبِّكَ الْمُنْتَهَى (٤٢) وَأَنَّهُ هُوَ أَضْحَكَ وَأَبْكَى (٤٣) وَأَنَّهُ هُوَ أَمَاتَ وَأَحْيَا... وَأَنَّهُ هُوَ أَغْنَى وَأَقْنَى(٤٨)} سورة النجم

**{Era eri omulezi wo yeeri enkomerero yabuli kintu kyonna, era yaafuga essanyu n'ennaku, era mazima ddala yaagaba obulamu era yaafiisa, era mazima ddala yaagaggawaza oyo gw'abayagadde era yaasalawo okwaavuwaza oyo gwa'abayagadde (olw'ekigendererwa kya'amanyi yye)}.**

2. Okumanya obwennyini bw'ensi n'enteekateeka ya Allah muyo n'okumanya nti ensi ssi yalubeerera n'essanyu lyaayo lyakiseera kitono, asese olwaleero enkya ayinza okukaaba n'akaabye olwaleero enkya ayinza okuseka. eyo yenteekateeka ya Allah mubulamu buno obw'ensi. Allah agamba:

قال تعالى:{ وَمَا هَذِهِ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا لَهْوٌ وَلَعِبٌ وَإِنَّ الدَّارَ الْآخِرَةَ لَهِيَ الْحَيَوَانُ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ}

سورة العنكبوت:٦٤

**{Tebuli obulamu buno obw'ensi okujjako masanyu agataliimu na muzannyo naye enyumba eyenkomerero (e jannah) bwebulamu bwennyini (obw'olubeerera obw'okusigalawo) singa baali bamanyi!. Tebandikulembezza bulamu bw'ensi ku bw'enkomerero}.**

Era Allah agamba:

قال تعالى:{ لَا يَغُرَّنَّكَ تَقَلُّبُ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي الْبِلَادِ (١٩٦) مَتَاعٌ قَلِيلٌ ثُمَّ مَأْوَاهُمْ جَهَنَّمُ وَبِئْسَ الْمِهَادُ(١٩٧)} سورة آل عمران

**{Tekukutwaalirizanga okweyagala kw'abakafiiri muno munsi, kweyagala kwakiseera kitono kwakugwaawo oluvanyuma obuddo bwaabwe muliro nga nabwo buddo bubi}.**

**Amakulu:** Allah atugaana okwegomba ebyo byeyawa abantu abatamukkiriza okugeza nga amamotoka amalungi, emayumba amalungi, ebitiibwa n'ebiringa ebyo. Era n'atulaga obutono bwaabyo, n'olwekyo ebyo by'olaba munsi abantu byebalina



Scanned with CamScanner

tebikutwaaliriza n'ofiirwa eddiini yo, Allah awa ensi eno gw'ayagala ne gw'atayagala naye tewali gwaawa ddiini okujjako gwayagala.

3. Okumanya ensonga ezisinziirwaako okufuna riziq, ezilabwaako n'ezitalabwaako nga n'emu kuzzo kwekutya Allah owekitiibwa mumbeera zonna n'okumwesigamira.
   Allah agamba:

قال تعالى:{ وَمَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا (٢) وَيَرْزُقْهُ مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسْبُهُ....(٣)} سورة الطلاق

**{Oyo yenna atya Allah, Allah amuteerawo obufulumiro era namugabirira mumbeera gyatasuubira, era n'oyo yenna eyesigamira Allah, amumarira}.**

4. Okuguminkiriza oluvanyuma lw'okugezesebwa n'okulonda wo okuwangaalira mubuzibu naye nga togyeemedde Allah, kisikiza omukkiriza e jannah ey'olubeerera.
   N'olwekyo guminkiriza singa Allah okugezesezza n'ekigezo kyonna, okugeza nga; obulwadde, obwaavu, obuguumba n'ebiringa ebyo.
   Allah agamba nti:

قال تعالى:{ الم (١) أَحَسِبَ النَّاسُ أَنْ يُتْرَكُوا أَنْ يَقُولُوا آمَنَّا وَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ (٢) وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا وَلَيَعْلَمَنَّ الْكَاذِبِينَ (٣) } سورة العنكبوت

**{Abantu balowooza nti bajja kulekebwaawo olw'okuba baagamba nti tukkiriza (Allah n'omubaka we) nga tebamaze kugezesebwa?!**

**Mazima ddala twagezesa ababasookawo era Allah agyakumanyira ddala abakkiriza aba'amazima n'abalimba (oluvanyuma lw'okugezesebwa).**

Nsaba Allah atukuume fenna nga tuli basiraamu abannamaddala, tutuuke mu maaso ge ngatuli abaddu abasiimiddwa.

Muganda wange omusomi manya nti guno mulimu gwa kitonde bwoba olina ensobi yonna gyosanze ng eky'usa amakulu nsaba ompabule kubanga omuntu asigala nga muntu nebwatuuka muddala elyawagulu mu yirimu.

Nsaba Allah akirize omulimu guno agufule ensonga y'okuyingira kwaffe ejannah eyawagulu.

## Allahumma Ameen



Scanned with CamScanner

موقع المكتب على
خرائط Google

الحساب العام
SA 21 8000 0251 6080 1007 5881
حساب الوقف
SA13 8000 0251 6080 1017 7778

+966 11 488 4496
+966 11 482 7489
+966 55 0886 610
info@yaqeenweb.com
yaqeenweb
www.yaqeenweb.com

Scanned with CamScanner